**P360/1**
**LUGANDA**
**Paper 1**
**2026**
3 hours

# UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD

## Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

**Olupapula olusooka**
**(Okukyusa, Okusoma bwiino, n'Okuyiiya)**

Esaawa ssatu

**EBIGOBERERWA**:

*Olupapula lw'ekigezo luno lulimu ebitundu bibiri*; **A** *ne* **B**. *Awamu mulimu ennamba nnya*.

*Ekitundu* **A** *mulimu ennamba bbiri*; **1** *ne* **2**, *era* **za buwaze**.

*Mu kitundu* **B** *mulimu nnamba bbiri*, **3** *ne* **4**. *Londako* **emu**.

*Ddamu ebibuuzo* **bisatu awamu**.

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu* **tebijja** *kugololwa*.

SAMPLE PAPER

*© 2026 Uganda National Examinations Board*

## EKITUNDU A

1 *Ggwe omu ku bakulembeze b'ekitundu kyammwe. Abakungu ba gavumenti bategese olukuŋŋaana lw'abakulembeze b'ebitundu basobole okubanyonnyola enkola gavumenti z'eyagala mugoberere. Mutumye munnamwe omu abakiikirire mu lukuŋŋaana olwo wabula byonna by'awuliddeyo abiwandiise mu Lungereza ate nga bakulembeze banno abasinga tebalutegeera bulungi. Akusabye okyuse obubaka bwe yaggyeeyo bakulembeze banno basobole okubutegeera. Muyambe omukolere ky'akusabye.*

The judiciary has introduced mobile courts to increase access to justice, especially in hard-to-reach areas across the country. The Chief Justice revealed that the decision to introduce such courts followed his visit to Kalangala and Buvuma islands, and other remote areas where residents face significant challenges in accessing courts of justice. "Our judicial officers can hire boats, load their tents and chairs, and travel to the islands so as to offer the required judicial services to the community. In those communities, cases of rape and defilement are also prevalent," he said.

According to him, some residents spend more than Shs. 400,000 on transport to access court services on the mainland. In some instances, suspects are detained in police cells due to absence of nearby prison facilities while families are asked to raise transport money to facilitate suspects' appearance in court. Under this arrangement, prosecutors and judicial officers will travel to designated locations where temporary courtrooms will be set up to hear and conclude cases on site. This will help to reduce transportation burdens, ease the cost of accessing justice and bring court services closer to communities.

He added that the judiciary is shifting focus from court-centred justice to people centred justice. In attendance was the Swedish ambassador to Uganda who also noted that the program focuses on strengthening government institutions while empowering communities. Improving access to justice is closely linked to poverty reduction. She urged all community leaders to embrace this service.

**Adapted from** *New Vision*, Tuesday, March 10. 2026.

SAMPLE PAPER

**2** *Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo*.

Olutalo lw'ensi yonna olwokubiri olwalwanibwa okuva nga 3 Mutundu (September) 1939 ne luggwa nga 14 Muwakanya (August) 1945 lwatwala abavubuka bangi embulakalevu n'abasajja abattuludde nga bava wano mu Buganda n'emiriraano gyayo.

Olutalo nga lwakagwawo, abantu abasinga obungi mu Buganda ne Uganda tebaayagalirawo kugenda kutabaala. Noolwekyo abaami baalina obuzibu bwa kitalo mu kulonda abatabaazi. Abaasinga okufuna obuzibu be baami abatongole n'abeemiruka kubanga mu bitundu byabwe bye baali bafuga mwabangamu eŋŋanda zaabwe, bakoddomi baabwe, abaana baabwe, abanywi b'emikago n'abaana ba mikwano gyabwe.

Okulonda mu bantu ab'engeri eyo abatabaazi, abaami beezizibanga bwezizibi. Abasajja abati obuzibu bw'abaami obw'okubalonda okugenda okutabaala baabwongerako nnyo nga bakola byonna bye basobola beewonye okulondebwa. Abamu amaaso baagakamulirangako kaamulali ne galwala abalala bessaako endwadde ate abamu ne badduka mu byalo by'ewaabwe ne bagenda gye batabamanyi ne beekukuma eyo.

Abavubuka n'abasajja abatayagala kutabaala tebaakoma ku kudduka mu byalo by'ewaabwe na kwerwaza kyokka naye baagezaako okugulirira abaami baleme okubalonda okugenda okutabaala. Baabatwaliranga ensimbi oba embuzi oba ebintu ebirala nga babiyita ebirabo bye babatonedde oba ekyemisana. Abamu baagezaako n'okugulirira abasawo bennyini babayite abalwadde.

Newankubadde ng'abantu abataayagala kutabaala ng'olutalo lwakatandika baali bangi naye ate waaliwo abasajja abazira mu byalo ne mu bibuga abeeronda bokka okutabaala. Kyokka ekyayagaza ennyo abantu okweronda bokka okutabaala kwe kumala okulaba abatabaazi abaakazibwako ery'abaseveni nga bazze okuwummula mu 1941. Baacakalanga n'ensimbi zaabwe ne basaaliza abavubuka bonna abaali baatya okutabaala. Ekyo kye kyalaga abavubuka nti ku lutalo eriyo okufuna ensimbi, ekinyumu ate n'okuweebwa ebitiibwa ng'ozze okuwummula. Abaseveni baabagunjizanga n'ennyimba ezaali nga zibawaana. Naye ng'ensimbi zibaweddeko babasekereranga, anti abalamu baseesa gwaka. Omanyi abaseveni beejaabaatanga nnyo olw'ettutumu n'ensimbi ze baabaanga bafunye naye mu kino baafunangamu obuzibu anti baanywanga ne bagangayira ne bagwa n'amagatto gaabwe. Abakazi baabalyangako ensimbi ne basigala nga beeyaguza luggyo olwo abantu ne babayiiyaamu obuyimba nga '…omuseveni omwavu asigazza gguwa ly'ayitayita nalyo takukyayisa muganzi wo'. Abaseveni abajja n'ensimbi ennyingi okuva mu lutalo baazirya kivubu ne zibaggwaako n'abamu ne bajulirira okwetuga!

Abavubuka abeerondanga bokka okugenda okutabaala tebaayagalanga muntu yenna kubagaana. Abo abaaganibwanga abasawo okugenda



SAMPLE PAPER

olw'obutaba balamu ddala oba olw'ensonga endala baasalanga amagezi bave mu kitundu ky'ewaabwe ne bagezaako okwewandiisa mu kirala. Abalenzi abamu baavanga mu masomero ne bagenda beewandiisa nga tebategeezezza bakadde baabwe.

Abavubuka abamu olw'okumanya ng'abasawo tebaayagalanga kulonda bantu bampi kugenda ku lutalo baasalanga amagezi okukangalala nga batuuse okumpi n'omusawo babayite abawanvu. Ate abamu bwe baabanga mu nnyiriri omusawo n'agaana okubalonda nga bamukuba buteba ne badda emabega omusawo n'addamu okubakebera nga tamanyi nti yabalabye dda. Ekyo abasawo abamu bwe baakitegeera ne batandika okukuutiza ekkalaamu ezitasanguka mu bibatu by'abasajja n'abavubuka abamu be baagananga okugenda mu lutalo. Abaaganibwanga ddala baasigalanga bakaaba.

**Kisimbuddwa mu:** *Kagenda ne Banne*, ekya **M.B Nsimbi**

**Ekyokukola**:

(a) Mukulu wo yakomyewo okuva ku mawanga ag'ebweru (kyeyo) n'ensimbi eziwerako z'afunye okuva mu mulimu gw'abadde akola. Nga weesigama ku kitundu ky'osomye munyonnyole ebizibu by'ayolekedde singa tazikozesa bulungi.

(b) Mukwano gwo yeebuuza engeri abantu gye batuuka ku birungi nga era ye tamanyi na bwe kiyinza kukolebwa. Weyambise ekitundu ekyo kyosomye omuyambe.

(c) Oweereddwa omukisa okwogerako eri abavubuka abanyooma emirimu era nga tebaagala kukola olw'okutya obulabe oba obuzibu bwe bayinza okusanga mu mirimu egyo. Weesigame ku kitundu ky'osomye obalage ebirungi ebiri mu kukola.

(d) Omuntu by'akola bisobolera ddala okumuttira emikisa egiyinza okumutwala mu maaso. Byakola ebimu bimuleetera okulemererwa mu bulamu bwe. Weesigame ku kitundu ky'osomye olage ebyo ebitera okubalemesa.

## EKITUNDU B

*Kola* 3 **oba** 4

3 *Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya* **bigambo** *nga* **250-300**.

Enkola za gavumenti nnyingi ezireeteddwa mu ggombolola yammwe nga ziruubirira okuggya abatuuze mu bwavu. Muno nga mwe muli enkola ey'Entandikwa, Bonna Bagaggawale, National Agricultural Advisory Services(NAADS), Emyoga n'eno eya jjuuzi eya Parish Development Model(PDM). Ekyewuunyisa, abatuuze bakyalemedde mu bwavu. Wateekeddwawo akakiiko kanoonyereze ku bivuddeko obwavu okusimba amakanda mu ggombolola yammwe era nga ggwe abatuuze gwe balonze obeere omuwandiisi waako.

**Ekyokukola**:
Wandiika alipoota eraga ebyazuuliddwa ku nsonga eno.

**Oba**

4 *Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya* **bigambo** *nga* **250-300**.

Abavubuka mu ggwanga beemulugunya ku muntu eyalondebwa okubakiikirira mu lukiiko lw'eggwanga olukulu, mbu ayinza obutabakiikirira bulungi kubanga tamanyi bizibu biruma bavubuka. Ekirungi oyo eyawangula ggwe gwe wali owagira era osazeewo omutegeezezeko ku nsonga eyo asobole okubakiikirira obulungi.

**Ekyokukola**:
Muwandiikire ng'omutegeeza ebizibu ebiluma abavubuka asobole okumanya eky'okukola. Ekiwandiiko ekyo kiweerezeeko ne ssentebe w'abavubuka mu ggombolola yammwe era ne ssentebe w'abavubuka ku distulikiti yammwe.

SAMPLE PAPER